HIV Infection via Mother to Child Transmission
By Eleanor Turnbull translation from English to luganda.

Ensasanya y'akawuka okuva ku maama okutuka ku mwana
Bya Eleanor Turnbull

Akawuka akaleta mukenenya ke kawuka akasangibwa mu musaayi ne bintu ebirala nga okuyonsa, entuyo, nebirala. Akawuka kakwata obusirikale obukuma omubiri nga busangibwa mu musaayi gwaffe ate nga buli kitundu ku basirikale abakuma emibiri gyaffe. Abasirikale abo banafuyizibwa olwakawuka era omubiri neguba nga tegukyasobola kwekuma.
Kino kitangira akawuka akakuma omubiri okukola obulungi era ne kyongera akawuka Kano amanyi n'obwangu okwegazanyiza mu mubiri, era omuntu agyakufuna mukenenya.akwauka kasobola okufunibwa mungeri ezenjawulo: abaana bakafuna okuva ku bamaama babwe (MTCT) mungeri yobutaba nabugyangyabi, ebitundu 25 ku 100 eby'abakyala be basiga abaana babwe akawuka.

Amakubo akawuka mwekatambulira

Omwana okukafuna okuva ku **maama** mu kisera kyo lubuto. Okuzala oba okuyonsa. Ebitundu 15- 35 ku 100 eby'abaana bafuna akawuka mu kuzalibwa. Omwana asobola okufuna akawuka singa maama we aba nako.

Munsi ezirina abakyala abembuto abalina mukenenya, nga Kenya (ebitundu 16 ku 100) ne Zambia (ebitundu 24 ku 100) omwana omu ku kumi azalibwa nakawuka. Singa webawo enkola y'okutangiramu akawuka okuva ku maama okutuka ku mwana. Engeri eno ekola ebitundu 10 ku 100 kunsasanya za kawuka empya era eyinza okweyongerako mukuyonsa. Ebitundu 40 ku 100 ebyabaana bafuna akawuka okuyita mukuyonsebwa mu myezi mitono egyasoka. Era kati enkola y'okutangiramu akawuka okuva mu maama okutuka ku mwana eri wona mu afrika era nga kino kyisubirwa okukendeza ku muwendo gw'abaana abalina akawuka.

Engeri z'okwetangiramu

Enkola z'okutangiramu maama okusiga omwana we akawuka zibunye wona sako nedagala. Entangira eza wansi zandibadde esira litekebwa ku bawala n'abakyala nga okubatangiramu obutafuna kawuka. Era nokubayamba obutafunamu embuto ze bateyagalide, nokukosesa obupira bu galimpitawa (kondomu) nokutangira abali mu masomero singa obubi basajja abakulu abaganza abawala abato bigyibwayo. Abawala abava mu maka amavvu begata mu bikolwa obwomukwano na basajja akakulu nga ensonga yokubagulira engoye no kubasibisa enviri basobole okukumirayo ekyitibwa kyabwe. Agasajja gano galina abakazi bangi era emikisa gyokusiga mukenenya gaba na mingi.

Engeri endala yo kwetangiramu akawuka kwekusobozesa abakyala abali embuto okwekebeza omusayi okusobola okumanya webayimiride ku by'amukenenya. Abantu abasoba mu 90 ku ki 100 tebamanyi oba balina akawuka oba neda olwe nkola embi gyebakeberera omusayi. Abakazi abamu batya okufuna obojanjabi okuva mubulwaliro obukola ku byobulamu, nga okwekebeza omusayi, abakazi bangi batya nti abami babwe bagya kutegera ebivudeyo singa aba alina akawuka nti kija kuleta obutabanguko mu maka oba okulekebwawo omwami era nokulekawo abaana be boka beyakazala. Mpozzi nokusalawo ani mu maka aba asoka okwekebeza, singa aba mukyala abera asinbibwamu olunwe nti ye yaleta obulwade mu maka era batandika okubasosola.
Okusosolwa eri abalwade bamukenenya mukitundu kulina okulwanyisibwa era abantu abalina akawuka balina okufibwakonokuyambibwa. Obulwaliro buli okuyiga okulabirira abalwade nokubawa enkebera yo musayi enungamu nadala abakyala no kubawa edagala erya nevirapiini wekyetagisiza, okwo gatako okubagumya nokubawa ku magezi nga bwegaba galambikidwa wammanga.

Okutangira akwuka okuva ku maama okutuka ku mwana nga okozesa edagala.

Okukozesa obujanjabi okuva mubebyolamu yemu kungeri zo kukendezamu ensasanya y'akawuka okuva ku maama okutuka ku mwana. Okukozesa edagala erya ARV nga Zidovudiini ne Nevirapiini mubisera byolubuto no kuzala kiyinza okukendeza kunsasanya y'akawuka ebitundu 2 ku ki 100 oba wansi.

Edagala erya ARV litandika okukozesebwa ku sabbiti eya 28 ku lubuto: maama no mwana bawebwa Zidovudiini ne Nevirapiini mukuzalibwa ko mwana. Kino kiyinza okongera amanyi mu ntekatteka zino ne ku makyala afuna obujamjabi buno. Singa enkola eno eba tekozesebwa nyo eyinza okudamu nekozebwa mukuzala okulala: singa mukyala amira empeke emu eya nevirapiini bwaba atandise okulumwa ebisa (kino tekyetagisa oba ali mudwaliro ne bwaba awaka), singa omwana eyakazalibwa afuna dozzi ya nevirapiini (mu sawa 72 nga yakazalibwa) obuzibu bwomwana okufuna akawuka okuva ku maama we buba bukendezeddwako ebbitundu 10 ku ki 100. Eno enkola eragidwa mu Lusaka, enkumi nenkumi za bakyala abafunye obujanjabi buno, edagala lya nevirapiini no kukeberebwa omusayi. Nevirapiini lye dagala erikyifula ekizibu akawuka okutambulira mu mubiri go mukyala era nekyikendeza ku ntambula yako okuva ku maama okutuka ku mwana.abaana abazalidwa mu nkola eno tebafuna nyo buzibu mu kubazala ne mukula kwabwe, enkola eno ekyagenda mu maso okunonyerezebwako.

Ensasanya y'akawuka okuyita mu yonsa

Abakyala abalina akawuka bafuna obuzibu kungeri yokulisamu abaana babwe: baba bagezako kutangira kawuka butakwata baana babwe naye nga ate abaana bafuna obuzibu mu byobulamu byabwe nendwade singa baba nga tebayonseddwa. Munsi ezikyakula ebitundu 54 ku 100 ebyabaana abafa wansi wemyaka etaano kiva kundya mbi nga obutayonsebwa. Ekibiina kyebyobulamu munsi yonna kiraga nti singa okuyonsebwa kubade kukirizibwa okutekebwawo endisa endala ey'abaana kyandibadde kyabutebenkevu okwewala akawuka obutatusibwa ku baana. Boba okukozesa endisa

endala wandibade omanya nti amata bagatabuza mazzi amayonjo ne mu mikebe ejjitatalagga. Mumbera mutayinza kuba nangeri ndala yonna eyokulisamu omwan wo okujako okumuyonsa, ekibbibina kye byobulamu munsi yonna kiragira okuyonsa omwana okutuka ku mwezi mukaaga egy'obulamu abaato balina kufuna kuyonsebwa kwoka. Abayivvu abalala balaga nti okugatika okuyonsa nokulisa omwana emere endala eya bulijjo, kyabulabe nyo mukutambuzamu akawuka mu baana okusinga okuyonsa kwoka, era enkola eno ya ndyewariddwa kuba emikisa gy'akawuka okukwata omwana gyiba wagulu nyo lwakuba wali obuzibu bokufuna ekidukano nendwade endala nyingi.

Mukumaliriza

Mubufunze abakyala abalina akawuka enkola ezo okutangiramu ensasanya y'akawuka: nawankude tebitangiramu kawuka 100 ku 100 era nga bisinga kuyamba abo boka abamanyi nti balwadde. Mu kituntu ekibba kisoka kwe kumanya ebyobusubbuzi ebiyinza ebiyinza okukendeza ensasanya y'akawuka, nga ebiyinsa okuteka abakyala na bawala mubuzibu bokufunamu akawuka no kutangiramu abakyala okwekebeza omusayi, birina okukwatibwako.
Okuswala no kusosola birina okutesebwako no kugyibwayo mu buli kitundu, okusobola okungeza ku muwendo gw'abantu abekebeza omusayi, nokuwebwa amagezi, no kubawa obujanjabi sako n'okutangira abaana babwe akawuka**.**